

Ekyokulabirako:

NABUTITI PRIMARY SCHOOL,  
A. K. P 2327,  
KAMPALA.  
Muzigo 13, 2002

Iata omwagalwa ennyo,  
Nkulamusizza nnyo ssebo. Gyebale emirimu. Obulwadde bwe nnaleka bukulumu  
bwawona? Ye maama ne baganda bange bali batya?

Nange gyendi eno nsoma nnyo era omusomo mulungi ddala. Tusuubira okubuuzibwa  
omwezi guno nga guggwaako.

Ssebo, nkuwandiikidde okukutegeenza nti omukulu w'essomero amaze okutulabula sienia  
abatannaba kumalayo bisale bya ssomero nti ku nkomerero ya ssabiiti ejja ajja  
kutuzzaayo eka tubikime.

Kale nze olw'obutayagala kufiirwa bya kuyiga, kyenvudde nkuwandiikira ompeereze  
ssente ezo nga tebannaba kungoba. Nja kufiirwa bingi mu kiseera kino mwe  
tweteekerateckera okubuuzibwa.

Ndabira nnyo maama ne bato bange bonne. <sup>U</sup>Mukama abakuumie.

Nze omwana wo akwagala  
Musa Ssentongo

## 2. EBBALUWA ENTONGOLE

EBIBAAMU:

- Endagiriro y'omuwandiisi.
- Ennaku z'omwezi.
- Endagiriro y'omuwandiikirwa.
- Okwcyanjulira omuwandiikirwa (Ssebo / Nnyabo)
- Obubaka bw'ebbaluwa mu bufunze.
- Obubaka bw'ebbaluwa mu bujuvu.
- Okulaga ky'osigaddeko.
- Okufundikira.
- Omukono gw'omuwandiisi.
- Amannya g'omuwandiisi mu kyapa.
- Ekifo/ekitiibwą ky'omuwandiisi (bwe kiba kyetaagisa)

Ekyokulabirako:

NSEKE PRIMARY SCHOOL 886  
A. K. P & ALEI  
KABAA, 1968  
13 Mutunda, 1<sup>st</sup>

Eri,  
OMUKUNGU ALABIRIRA,  
KATUJUGO FOREST RESERVES,  
A. K. P 7465,  
KATUJUGO- NAKASONGOLA.  
Ssebo,

Ens: OKUSABA EMITI EGY'OKUZIMBISA.  
N'obuwombeefu, nsaba okutufunira emitii eg'y'okuzimbisa ebibiina by'essomero, mu b  
n'obung: ebiragiddwa wammanga:

1. Kalittunsi emitii 700 (Lusanvu).
2. Emisambya emitii 500 (Ebikumi bitaano).
3. Emisizi omusobola okuva obubaawo 200 (Ebikumi bibiri).

Tusaba bw'oba otuddamu, otuweereze emiwendo gya buli kika kya muti.  
Nnaasanyuka nnyo ng'okusaba kwaffe kuyiseemu  
Nze omuweerezaawo,

DZA  
DIKA KAKOO<sub>(tero)</sub>  
(Omukulu w'essome

Ekyokulabirako 2

MULAMA SECONDARY SCHOOL 883  
A. K. P 213 L.A.  
KAMPAL 002  
7 Ssebaaseka, 2<sup>nd</sup>

Eri,  
OMUKULU W'EKKOLERO,  
LUGAZI SUGAR COOPERATION,  
A. K. P 357,  
LUGAZI.

Ssebo/Nnyabo,

Ens: OKUSABA OKUKYALIRA EKKOLERO LYO.  
N'obuwombeefu, nsaba okuleeta abayizi baffe abasoma essomo lya Jogolafiya ku ddaal  
erya 'A' ku kkolero lyo.

Tulina abayizi 52 be tusuubira okujja nabo. Okukyala kuno kugendereddwamu  
okuyamba abayizi okumanya engeri ssukaali gy'akolebwamu nga bwe beetegekera  
cbigezo byabwe.

Tusuubira okujja nga 23 Ssebaaseka, 2002 ku ssaawa nga ssatu (3.00) ez'okumakya.  
Nnaasanyuka nnyo ng'okusaba kwaffe kukkiriziddwa.

Nze omuweerezaawo  
NAMULI ROBIN<sub>(a)</sub>  
(Omusome

### ✓ 3. OKUWANDIKA OBUBAKA OBUKUBAGIZA

EBIBAAMU:

- Endagiriro y'akubagiza
- Ennaku z'omwezi kw'awandiikidde.
- Amannya g'oyo gw'okubagiza.
- Ebigambo "Bakungubazi bannange"
- Omutwe/Unsonga ekuwandiisizza mu bufunze.
- Obubaka obwanjuluze.
- Engeri awandiise gy'akubagizzaamu.
- Obugambo obuwumbawumba emitima gy'abafiriddwa.
- Omukono n'erinnya ly'oyo akubagiza.

Ekyokulabirako:

KYASIIMA PRIMARY SCHOOL,  
A. K. P 831,  
MUKONO.  
12 Ntenu, 2001

Eri,

AB'ENJU YA,  
OMWAMI KYEWALYANGA MIKAYIRI,  
N'abakungubazi bannange mwenna,

Ens: OBUBAKA OBW'OKUSAASIRA

Ku lw'abayizi ba Kyasiima Primary School, tutuusa okusaasira kwaffe en ab'enju y'omwami Kyewalyanga Mikayiri olw'okuviibwako omwana wammwe Namukasa Mary abadde omuyizi waffe mu Kyasiima Primary School, nti bannasse kitalo nnyo!

Tukutte mu nsawo ne tuwaayo ssiringi 25,000/= (Emitwalo ebiri n'ekitundu) n'akasawo ka ssementi, biyambe mu kuziika.

Iusaba Omukama Katonda, omugenzi amuwummuze mirembe.

Nze omuweerezaawo.

Nansikombi Sarah

### ✓ 4. EBBAALUWA ESABA OMULIMU

EBIBAAMU:

- Endagiriro y'omuwandiisi.
- Ennaku z'omwezi.
- Endagiriro y'omuwandiikirwa.
- Okweyanjulira omuwandiikirwa (Ssabo / Nnyabo)
- Obubaka bw'ebbaluwa mu bufunze.
- Obubaka bw'ebbaluwa mu bujjuvu.

- Okulaga omulimu gw'osaba ne gye waggya amawulire agakwata ku mulimu ogwo gw'osaba.
- Okunnyonnyola kalonda yenna akwata ku muwandiisi n'okusoma kwe.
- Okulaga abayima bo.
- Okulaga ky'osigaddeko.
- Okufundikira.
- Omukono gw'omuwandiisi.
- Amannya g'omuwandiisi mu kyapa

Ekyokulabirako:

KAIAT,  
SSANYU RUKAIAI  
ATTAA,  
KIBIRI KWEGATTAA, p 289,  
A.K.P 28 SAKA  
MASAKA, 1989

12 Mukulusabitungotungo, 1989

En  
OMUKULU OWOOKUNTIKKO,  
BUKEDI COMMOPERATIVE SOCIETY  
A . K . P 89204,  
MBALE.

Ssebo/ Nnyabo,

Ens: OKUSABA OMULIMU GW'OBWANDIISI

N'obuwombeefu, nsaba omulimu gw'obuwandiisi mu kitongole kyo nga bwe gwalangibwa mu lupapula lwa Bokedde owa nga 10 Mukulusabitungotungo, 1989 ku muko nnamba 23.

Ndi muwala Munnayuganda, wa myaka 18. Nnasomerera ebyobuwandiisi mu Nabikaka kakala Vocational School okuya mu 1985 okutuuka 1986; era nnayitira mu ddaala eryokubiri n masomo gy'ebiyokuwandiika n'okukuba Tayipu.

Nsobola okukuba ebiambo 150 ku Tayipu buli ddakiika. Nnina n'ebbaluwa mu kuteekateeka ofisi (Office Management).

Okumanya ebisingawo ku binkwatako, oyinza okubuuza abakulu bano;

1. OMUKULU W'ESSOMERA,  
NABIKAALA VOCATIONAL SCHOOL,  
A.K., P 2821,  
MASAKA.

2. MANEGINGI DAYIREKITA.  
KIBIRI KWEGATTAA KAMPUNI,  
A . K . P . 289,  
MASAKA

Nnaasanyuka nnyo ng'okusaba kwange kuyiseemu .

Nze Akussaamu ekitiib

AIA  
SSANYU RUKAI

## ¶ 5. OKUSEMBA OMUNTU ASABA OMULIMU

Ebibaamu;

- Endagirito y'omuwandiisi
- Unnaku z'omwezi
- Endagirito y'omuwandiikirwa.
- Okwecyanjulira omuwandiikirwa (ssebo/Nnyabo)
- Laga nti odda mu bbaliwa gye baakuwandiikira.
- Okubategeeza nti omuyizi oyo omumanyi
- Yogera ku ngeri gye yakolamu ebibuzo n'okusoma kwe.
- Enneeyisa ye
- Laga oba omusemba oba nedda,
- Okufundikira
- Omukono gw'omuwandiisi

Ekyokulabirako;

KIBULI SEC. SCHOOL,  
A. K.P 4216,  
KAMPALA.

2 Mutunda, 2002

En.  
MANEGINGI DAYIREKITA,  
LUWEERO CO - OPERATIVE SOCIETY,  
A. K. P 226,  
LUWEERO.

Ssebo/ Nnyabo,

Ens OKUSEMBA LUBEGA ROBERT KU MULIMU GWE YASABA  
Mpandiika nga nzira mu bbaliwa gye wampandiikira nga 2 Muwakanya, 2002 ku  
kuseniha Lubega Robert eyasaba omulimu mu kitongole kyo;

Lubega Robert mumanyi bulungi nnyo era yasomerako mu ssomero lyange. Era gye  
yatuuilira n'ebigezo ebya siniya cyookuna.

Lubega yali tuyizi mulungi era ng'akola bulungi mu kibiina era yayitira mu ddaala  
erisooka mu bibuuzo by' eggwanga ebya siniya cyookuna Ate nga n'emabega yakolanga  
bulungi buli lusoma. Yali wa mpisa nnungi ku ssomero.

Robert, yali mwagazi wa bya mizannyo nga musambi wa mupiira mulungi ate nga  
n'ekuyimba yali ayimba bulungi nnyo.  
Kale musemba aweebwe omulimu gwe yasaba.

Nze Omuweerezaawo,

Dennis Kalungi  
(Omukulu w'essomero )

## 6. OKUKOLA ENDAGAANO

### EBIBAAMU:

- -Endagiriro y'akola endagaano.
- -Ennaku z'mwezi
- -Omutwe (Ensenga) era ogusazecko.
- -Laga amannya go ne gy'obeera
- -Laga amannya g'aguze ne gy'abeera.
- Ky'etenze n'embeera mwe kiri
- Enfaanana yaakyo
- Ensimbi z'ekitunze
- Engeri aguze gy'asasudde (Amazeeyo oba asigadde abanjibwa)
- Ezisigaddeyo zaakusasulwa ddi?
- Amannya g'ababaddewo, ebifo byabwe ( bwe kiba kyetaagisi n'emikono )
- Amannya g'abakoze endagaano n'emikono gyabwe
- Aguze n'atunze

Ekyokula birako;

RAI  
SAAMANYA QURAISH K. P.  
A. K. P 62ASAI  
MASAKAya, 2  
3 Gatonnya, 200

### Ens: ENDAGAANO Y'OKUTUNDA EKIBANJA

Nze Saamanya Quraish, nga nkiggye mu kwagala kwange n'okusalawo, nguzizaa lemek  
Ssekatawa Musisi ekibanja ku ttaka lyange erisangibwa ku Plot 16, Block 3 – Bulemeezi.

Ekibanja kino ebuvanjuba kisalagana n'ekya Lodoviiko Mazima; ebugwanjuba  
kisalagana n'ekya Nnyense Mukaddetayomba; ebukiikkaddyo ne kisalagana n'ekya  
mutabani wange Ibrahim Batte; ate ebukiikkakkono ne kikoma ku Nnammwandu Katalina  
Nakiwala.

Ekibanja kino kiwerako obwagaagavu bwa yiika bbiri n'ekitundu (21/2); ate obuwantu  
kiwerako obwagaagavu bwa yiika musanvu (7). Nkimuzizza ssiringi za Uganda Miriyoni  
emu n'ekitundu (1,500,000/=).

Asasuddeko ssiringi Miriyoni emu (1,000,000/=). Ssente ezisigadde, emitwalo ataano  
(500,000/=) ajja kuzisasula nga 31 Gatonnya, 2004. Wabula simukkirizza kukolerako  
kintu kyonna nga tannaba kumalayo bbanja lino.

Ababaddweo ;

1. \_\_\_\_\_  
Sheik Musa Ssemakula  
(Ssenteb LC.1)

2. \_\_\_\_\_  
Benard Lukyamuzi  
(Omuwandiisi LC.1)

Saamanya Quraish  
(Atunze)

Ssekatawa Musisi  
(Aguze)

7. EBBALUWA ERANGA OBA ETAMBUZA OLUMBE  
EBIBAAMU:

- Endagiriro y'ayanjula oba atambuza olumbe
- Ennaku z'omwezi
- Endagiriro y'omuwandiikirwa (Owessiga )
- Okwelianjulira omuwandiikirwa.
- Ensonga mu busunze (OKWANJULA OLUMBE)
- Obubaka mu bujuvu
- Okusaba Owessiga akkirize olumbe lwabizibwe.
- Okufundikira
- Omukono gw'Owoomutuba

Ikyokulabirako:

OWO MUTUBA GWA ZZINDA,  
BUYEGE BUSIRO

29 Muwakanya, 2003

Eri,  
OWESSIGA LYA MIRO,  
ZZINGA BUSIRO.

N' eri,  
OLUKIKO OLUKULU,  
Mu KIKA KY'EMMAMBA.

Ssebo,  
Ens: OKWANJULA OLUMBE LWA MUZZUKULU WO

N'obuwonbeefu, nkwanjulira olumbe lwa muzzukulu wo Sserubogo Musisi  
Ssebaaseka, 2003. Olumbe olwamutta lwali lwa Lubyamira. Yalina emyak/  
ye yali Katabalwa Kizito eyatuulanga ku mutala kyevenze Ggomba. Jjajj/  
Basaalidde

Ava mu lunyiriri Iwa Basaalidde e Kyevunze; asibuka mu Mutuba gwa Zzinda e Buyege mu Ssiga lya Miyo e Zzinga. Muzzukulu wa Gabunga Omukulu w'ekika ky'Emmamba.

Yazaala abaana abiri mu mukaaga (26); abalenzi kkumi na munaana (18) n'abawala munaana (8); era yalaamira omwana Ssekazaana Kikabu ow'emyaka abiri mu ogumu (21), okumusikira

Ekiraamo kye kitungiddwa emabega w'ebbaluwa eno  
Ijja, nkusaba okkirize olumbe lwe lwabizibwe

Nze Omwana

ZZINDA  
BAMULANZEKI ZZINI (mutuba)  
(Owoomutu)

### EKITUNDU III: OKUWANDIIKA ALIPOOTA

#### 1. ALIPOOTA Y'OKUNOONYEREZA EBIBAAMU:

- Omutwe gw'alipoota
- Omulamwa gw'alipoota
- Okulaga engeri okunoonyereza gye kwakokeddwanmu
- Okulaga ebizuuliddwa
- Okuwumbawumba
- Okuwa ebirowoozo ku bizuuliddwa
- Amannya n'omukono gw'omuwandiisi
- Ennaku z'omwezi alipoota lw'ewedde

Ekyokulabirako;

Etterekero ly'ebitabo ku ssomero lyammwe lyakute omuliro ne lisaanawo.  
Wandiika Alipoota ku kunoonyerezaakwo ku nsibuko y'omuliro.

#### ALIPOOTA KU NSIBUKO Y'OMULIRO MU TTEREKERO LY'EBITABO MI BULWADDA C/U PRIMARY SCHOOL

##### 1. OMULAMWA GW'ALIPOOTA

Nga nkolera ku biragiro by'omukulu w'essomero- Bulwadda C/U Primary School, ku lunaku luno nga 10 Mugulansigo, 1981, okuwandiika Alipoota ku nsibuko y'omuliro mu tterekero ly'ebitabo ku ssomero eryo n'okuwa ebirowooz ku kwewala efaanana nga eyo mu maaso.

##### 2. OKUNOONYEREZA

Natuuka ku tterekero eryayokebwa emirundi egiwerako era ne nneetegereza amasa agaali gawonyezeddawo. Emirundi gyonna gye nnatuuka ku tterekero, nnabuuzanga abakozi mu tterekero eryo ebibuuzo ebiwerako ku muliro ogwo.

Natambulako ne nñenda mu kitongole ky'abazikiriza omuliro mu kibuga Kabulassoke.

##### EBYAZUULIBWA.

- Obutundutundu bwa sigala bwazuulibwa emabega w'amasa agaali

gawonyezeddawo

- ii) Abakozi b'etterekero eryo ababiri, kyazuulibwa nga baali banywi ba sigala ba lulango; ate nga tebalina bubaakuli mukunkumulirwa vvu na kusuulwamu butundutundu busigadde (Ash-trays).
- iii) Etterekero teryalina hyuma bizikiriza muliro, wadde obupande obulabulaabantu obutanywera sigala munda oba okumpi n'etterekero ly'ebitabo.

#### 4. OKUWUMBAWUMBA.

Nkakasa ng'omuliro ogwasaanyawo etterekero, gwava ku butundutundu bwa sigala obwasuulibwanga emabega w'amasa omuterkebwba ebitabo Obutundutundu bwa sigala bulabika bwagwa ku bipapulapula cbyali bigudde emabega w'amasa omuliro kwe gwava

#### 5. EBIROWOOZO KU BYAZUULIBWA

- i) Ng'etterekero limaze okuddaabirizibwa, wasana wateekewewo ebipande ebikugira okunywera sigala okumpi ne munda w'etterekero.
- ii) Ebyuma ebizikiriza omuliro bisaana bigulibwe era bikuumibwe mu mbeera ennungi ekisegera kyonna.
- iii) Abakozi basaana basomeschwe ku ngeri y'okwetangira omuliro n'okugulwanyisaamu.

*John -  
KAKASA MPECI*  
Ategese Alipoota

*16/06/2014  
Ennaku z'omwezi.*

#### D. 2. OKUKOLA SITETIMENTI

##### EBIBAAMU;

- Ennaku z'omwezi
- Omutwe gw'alipoota oba sitetimenti
- Okwanjula agenda okuwa sitetimenti (Mu muntu owookusatu)
- Okusengeka cbintu nga bwe byagenze biddiriggana n'essaawa buli kimu we kyabeereddewo.

Wetegereze;

- Sitetimenti ewandiikibwa mu kiseera ekyayita oba ekiyise/ekyayise
- Sitetimenti cyanjulwa mu muntu waakusatu, wabula yo yennyini crina kuwandiikibwa mu muntu asooka.

Ekyokulabirako;

*OBUTUNDU*  
SITETIMENTI ALIPOOTA-KU KUBBIBWA KW'EKYUMA KALIMAGEZI  
OKUVA MU SSANYU PRINTING WORKSHOP NGA 10 MUTUNDA, 2003

Namugenyi Juliet, ow'emyaka abiri mu etaano (25) egypt obukulu, ng'abeera Kasana Bulemeezi, ng'ayogera ku kubbibwa kw'ekyuma Kalimagezi okuva mu Ssanyu Printing Workshop nga 10 Mutunda, 2003 agamba bw'ati:

Ku lunaku oiwo nga 10 mutunda, 2003, natuuka, ku mulimu, mu Ssanyu Printing Workshop ku ssaawa bbiri (2:00) ez'oku makya. Nalina emirimu egiali gisuze era gye nnaatuukirako.

*1<sup>st</sup> person Singular.*

Ku ssaawa nga bbiri n'ekitundu, omuvubuka, gwe nnateebereza okuba mu mya abiri mu etaano (25), ng'ayambadde kikabuuti ekyeru, yayingira ng'afulumira mulyango oguyitibwamu abakungu aboomunda mu kkampuni yaffe.

Omuvubuka ono, yantegeesa nga bwe yali asindikiddwa mukama waffe, okuno ekyuma Kalimagezi (Kompyuta) ekyali mu kisenge kya ofisi ekyali ku mmeez ebikkiddwako ekitambaala ekimyusu.

Engeri gye yannyinnyonnyola, nnamatirira ddala nti yali ayogedde bituufu. Bwentyo, kwe kuyita abaweereza baffe bamuyambe okumusitulirako; era n'atu nga bwe kyali eky'okudda olweggulo lw'olunaku olwo.

Ku ssaawa nga ssatu ne kitundu, mukama waffe mu ofisi n'atuuka. Nga tumaz okulamusaganya, yayingira mu ofisi, gye yasanga ng'ekisenge omubeera ekyut kiggule.

Awo kwe kumbuuza ekyali kituuse ku kyuma. Namunyyonnyola byonna ebyali biguddewo; wabula ye n'antegeesa nga bwe kyali tekyetaagisa kutwala kyuma, kubanga n'okukisitulasitula kikireetamu enkeka endala.

Yantegeesa, era, nti ebyuma bwe biba eby'okuddaabiriza, kampuni eddaabiriza esindika bamakanika ku lunaku olutali lwa kukola, so si bo okujja okutwala ek kyennyini.

Nakwata mangu olukomo ne nkubira kkampuni eddaabiriza ebyuma essimu eyitibwa Montfort Computer Services, omuvubuka gye yagamba nti gy'akolera bantegeesa nti tebaalina muntu yenna gwe baali basindise kunona kintu kyonna, era n'omuvubuka gwe mbagamba tebamumanyi. Wano we nnamanyira nti omuvubuka yali ansalidde ga nkolwa, n'anzibako ekyuma.

Ku ssaawa nga nnya, twakubira poliisi essimu era nayo cyabakanirawo n'ogwabulijo, ogw'okunoonyereza. Tukyalinda Alipoota okuva ku poliisi ekwata kunoonyereza kwayo..

---

Namugenyi Juliet

---

Ennaku Z'omwezi

### 3. OKUWANDIKA EDDAAME EBIBAAMU:

- Ennaku z'omwezi
- Amannya g'alaama n'okulanya
  - Kitaawo, Jjajjaawo, Owoolunyiriri, Omutuba, Essiga, Akas isolya
- Okwogera ku mbeera mw'oli
- Okulaga ensonga lwaki okola eddaame.
- Okulaga ebyobugagga byo.
  - Abakyala - Amannya gaabwe, ebitiibwa n'abaana be bazaar
  - Amannya g'abaana n'emyaka gyabwe buli omu.
  - Ebibanja oba ettaka ne gye bisangibwa.
  - Ennyumba n'ebirimu
  - Ebisolo n'omuwendo gwabyo.

- Ebantu ebikalu chitala ebitasobola kubuusibwa maaso, Olyugeza emmotoka, engoye, Leediyo n'ebirala
- Laga engabanya nga bw'oyagala ebcere.
  - Omusika n'omugabobo gwe
  - Gabira abakyala
  - Okugabira abaana bwoya.
  - Okugabira abaana h'obadde olabirita (B otazaala naye nga ggwe obadde n'obuvunaanyizibwa ku bo )
  - Laga omukuba w'abaana bo
- Laga abaddewo (nga basatu )
  - Emikono gyabwé n'amannya
- Okuddamu okukakasa eddaame lyo
- Omukono oba ekyenkumu n'amannya g'akola eddaame

Ekyokulabirako,

2.Mukulukusabitungotungo, 2003

#### EDDAAME

- Nze Kalungi Nnakusiyoomu, Mutabani wa Kakande Pulisiyo ne Nakkazi Harriet c Nnakulamudde Ggomba. Nnina emyaka nkaaga mu ebiri (62) Tweddira Ngeye, nga Jjajja tse omutaka Owaakasolya ye Kasujja e Busujja mu Busiro. Tuva mu ssiga lya Kasule e Buwembo, Busiro mu Mutuba gwa Nnakabaale e Ttanda Ssingi. Tusibuka mu lunyirri lwa Buwembo e Mmende Busiro Akabhiro kaffe Kunguvvu

Olwaleero luno nga 2 Mukulukusabitungotungo, 2003, nga nkyali mulamu, ntegera bulungi, nkola ekiraamo kino kisobozese okumalawo enkaayana mu ngabanya y'ebintu byange nga mmaze okulemba olw'e Kaganga

#### EBYOBUGAGGA BYANGE

##### i) ABAKYALA

Nnina abakyala babiri,

1. Nakamatte Tebceyita ng'ono ye Kaddulubaaz
2. Nakiyaga Irene.

##### ii) ABAANA

1. Kirumira James ow'emyaka 19.
2. Nakakande Teddy ow'emyaka 9

Bano bombi bazaalibwa omukyla Nakamatte Tebceyita.

1. Nansukusa Harriet ow'emyaka 13
2. Ssekitto Robert ow'emyaka 4.

Bano bazaalibwa Omukyla Nakiyaga Irene.

Omwana Sserukeera Moses azaalibwa mukyal: Nakiyaga Irene oyo si wange era tagabananga ku byobugagga byange. Sirina mwana gwe ndese bweru wa bufumbo bwange; era sirina mwana n'omu gwe mbadde ndabirita nga si nze mmuzaala.

### iii) EBIRALA.

Nnina ebibanja bisatu nga buli kimu kirimu ennyumba era n'ebibanja okuli yiika y'emmwanyi n'olusuku lwa yiika musanvu. Buli kimu kya yiika abiri (20). Ebibanja a banja bila  
biri ku mitala Nakulamudde Ggomba, Kyevunze Ggomba ne Kifampa mu Ggomba

Nnina akawunta mu Nile Bank, ng'eriko ssiringi Miriyoni nsanvu mu ssatu (73,000,000/=); era nze nzekka abadde ateeka omukono ku biwandiiko ebizikwatako

Buli maka, mulimu Ttivvi, Leediyo ennene ez' ekika kya Phillips, entebe ennene eza Sofa, obumeeza buna obutono kabada ennene ey omu kisenge; n'endala ebeeramu ebi cbikozesebwa byokulya. Essaati 54 n'ampale 32.

Nnina ente 67 nga ku zo 25 ziyonsa 10 ziri mawako; kuliko ennume 10, n'endaawo 16(2) n'enduuusi 12. Nnina n'ekisibo ky'embuzi 107. Nnina puloti n'emizigo kkumi n'ebiri e Kanoni Ggomba. Nnina ne loole ey'ekika kya Isuzu Fighter nnamba UAD 722 X.

### ENGABANYA Y'EBINTU

Omwana agenda okunsikira ye mutabani wange omukulu Kirumira James; era ennyumba n'ekibanja eby'e Nnakulamudde bibye. Loole nayo y'agirabiriranga, wabula ssente zo czivaamu zaakulabirira baana bonna.

Buli mukazi ajja kusigala mu kibanja gy'ali mw'aba akuliza abaana be era waddembe okuddamu okufumbirwa. Wabula taleetanga omusajja awaka ova okutwala abaana ba! mu ddya. Bw'afumbirwanga, ng'obwannannyini ku bintu bumufa.

Engoye zange batabani bange bazigabiniranga wakati. Emizigo gy'abaana bange abawala. Ente abakazi bajja kuzigabanira wakati wabula nga ku zo ebbiri za kwabya lumbe lwange. Ssente eziri mu Banka zaakuweerera baana bange.

Omukuza w'abaana ye Ssenfuka George ow'e Kabulassoke Ggomba. Alina okulaba ng'abaania bange basoma era bakulire mu mpisa enjanda era n'obuntubulamu.

Njagala olumbe lwange lukumibwe mu maka gange amakulu e Nnakulamudde mwe banziikanga. Olumbe lwange luteekwa okwabizibwa nga mmaze ennaku ezisoba mu kikumi emagombe; ate luteekwa okutambuzibwa.

Eddaame lino ndiggyeemu kkopi ze mpaddeko abakulu bano;

1. Maneja wa Commercial Trust Bank e Kanoni.
2. Maneja wa Nile Bank e Kabulassoke.
3. Bwanamukulu w'ekigo ky'e Bukalagi Parish.
4. Polisi e Bukandula

### ABABADDEWO

1. -----

Kasozi Ronald  
(Sseeta Butambala)

2. -----

John Lubega

(Kasiika Ggomba)

3.....

Kigemuzi Quraish

(Kayenje Butambala)

Nzitamu okukakasa nti nkoze eddaame lino okuya mu kwagala kwange, nga ntegeera era nja teri ankase

Nze.

### NAKUSIYOOMU KALLINGI

#### 4. OKUWANDIKA EBITEESO

##### X FBIJAAMU:

- Omwewo (Ekika ky'olukiiko, ekifo we Iwatuula n'enjaku z'omwezi)
- Ebiateesebwako.
- Amannya g'abakiise abataaliwo nga balaze.
- Amannya g'abakiise abaaliwo.
- Amannya g'abakiise abataaliwo nga tebalaze.
- Okwanjula ebiteeso kinnakimu
  - Okuggulawo olukiiko
  - Okusoma ebyava mu lukiiko olwasembayo.
  - Okwogera kwa Ssentebé
  - Ebiteeso ku nsonga ezaayizza olukiiko
  - Ebirala
  - Okuggalawo olukiiko
- Okulaga omuwandiisi ne Ssentebé we banassa emikono

Ekyokulabirako;

EBITEESO BY'OLUKIJKO LW'EKYALO KAABUNYATA LCI OLWATUULA  
NGA 25 MUWAKANYA, 2001

##### EBIATEESEBWAKO.

- Okuggulawo olukiiko
- Okwogera kwa Ssentebé.
- Okusoma ebiteeso by'olukiiko olwasembayo.
- Okulima enguudo
- Okusoma kw'abaana
- Ensasula y'omusolo
- Ebirala
- Okuggalawo olukiiko

##### ABAALIWO

Haji Musa Baliruno (Ssentebé)

Mw. Zeveriyo Mukasa

Muky. Nalubwama Masitulah

Muky. Nansikombi Annet

Mw. Baagalaaliwo Musisi

Mw. Kakayire Thomas

Muly Nakiwala Julian (Omuwandiisi)

### ABATAALIWO (NGA BALAZE)

Muky. Nabiryo Meridah  
Mw. Lutalo Dan

### ABATAALIWO (NGA TEBALAZE)

Muky. Nalwanga Eseza  
Mw. Serubiri Sadaat

#### EKITEESO 1: OKUGGULAWO OLUKIIKO

olukiiko lwaggulwawo ku ssaawa munaana n'ekitundu (8.30) ez'olweggulo  
n'okusaba okwakulemberwa Mwami Kakayire Thomas.

#### EKITEESO 2: OKWOGERA KWA SSENTEBE

Ssentebé yasooka okwaniriza abakiise bona. Yazzaako okukulisa Mukyala Nabiryo  
Meridah olw'okwefunira ezzadde ly'abalongo.

Ssentebé yategeeza olukiiko nti baali basaana bafundikire ensonga zonna mu ssaaw  
bbiri zokka kubanga ku ssaawa kkumi kwaliko okuziika omwana w'omutuuze.

#### EKITEESO 3: OKUSOMA EBITEESO BY"OLUKIIKO OLWASEMBAYO. Ebiteso byasomebwa era ne biyisibwa nga tewali kikyusiddwamu.

#### EKITEESO 4: OKULIMA ENGUNDO

Abakiise bennyamira nnyo olwa'amakubo agali mu mbeera embi ennyo. Ku nsoga en  
baasalawo obuvunanyizibwa bwo'kulima enguudo bubeere eri buli nnanyini kibanja.

Bo abatuuze abapangisa nga tebalina bibanja, olukiiko lwasalawo baweebwe ekkatala  
bisenyi n'ebirala.

#### EKITEESO 5: OKUSOMA KW'ABAANA

Abakiise baategezebwaa ku baana abangi abatakyagenda ku masomero olw'okuba nti,  
balina okuyamba bazadde mu kusiga.

Ku kino, abakiise baasalawo watekebwewo amateeka agakangavvula abazadde abaga  
abaana baabwe okugenda ku ssomero.

#### EKITEESO 6: OBUTEBENKEVU BW'EKITUNDU

Abakiise baasalawo buli mutuuze atabulenga ne kaada eyamuweebwa era ne basaba  
abatuuze baloopenga abantu be baba beekengedde.

#### EKITEESO 7: ENSASULA Y'OMUSOLO

Abakiise baategezebwaa ku sasuula y'omusolo ebadde embi omwaka guno.  
Ku musolo abakisso baasalawo okutanza buli annalwangawo okuwa omusolo engassi  
bitundu ana ku biji kikumi.

## EKITIISO 8: EBIRALA

Abakuse baasaba bawebwengayo ensako y'okutuula.

Abakuse abataga mu kuteesa emirundi chiri egyptomuddinijjaiwa batazibwenga

## EKITIISO 9: OKUGGALAWO OLUKIKO

Olkoko bwaggalwavo ku ssawa mwenda n'edifikaka attano (9-50) egypto

n'okisaha okwakulemberwa Mwami Mukasa / egypto

Okuwandika

Saintebe

### ★ 5. OKUWANDIKA MU MPAPULA Z'AMAWULIRE

EBIBAAMU:

- Omotwe ogusikiriza.
- Omusasi w'eggulite ne gy'alisaase.
- Ikyunsi (olulumi lw'amawulire)
  - Okutandika n'ensoga eyeesisiwaza oba ekyamuukiriza.
- Okulaga lwekyabaddewo ne gye kyabadde
- Einger gye hyazzeemu
- Abafunye obuzibu oba abaaganyuddwa.
- Gye byakidde.
- Ibyaddimide.

Ukukulabirako 1

### ENTISA!!!

(Bya Margret Ziribaggwa ne Deborah Nanfuka e Matugga)

Abantu kkumi (10) baafiridde jnbulanga nga mukaaga ba nju emu, n'abalala musanvu ne batuna chisago cbyamanyi. Bbaasi bwe yalimnye takisi n'egibyabyataza

Bino hyaguddewo olunaku lw'eggulo e Matugga, bbaasi y'ekitongole kya Gateway evahadde ejja e Kampala ng'eva e Paedah bwe yagezezzaako okuwonya omwana Ashraf Katende ow'entyaka etaano, cyahadde asala oluguudo n'eyingirira takisi nnumba UAB 011 S, cyahadde egenda e Boniho. N'egirinnyira wansi n'egiyitako, n'egwa.

Abafitiddewo mwe mwabaddle, Dereva wa takisi Patrick Sserubbidde, Isaac Okello evahadde ne mukazi we, Nnyina w'abaana baabye abesatu nabo abaaftirudlewo.

Entitambu gyanyogotoddwa, ehyenda ne bivaayo, egimu ne gisalwa obulere, ennyama n'ekwazi ku kkolasisti wakati mu kitaba ky'omusaayi.

Abalumiziddwa, mulimu Ashraf Katende, Leoman Odong, Julius Akire, Difasa Owola, ne Ben Kiwanuka ow'e Mpererwe, Henry Odaga ne Franco Omirambi ali'se Arua.

Omwogezi wa police Mwami Asuman Mugenyi yagabye nti akabenje kano kaavud  
kuvuga ndiima. Emirambo gyatwaliddwa mu ggwanika e Mulago n'abaddukirize  
bayamba okutwala abaalumiziddwa mu malwaliro aggetoloddewo

Ekyokulabirako 2

BAATABUKIDDE MU LUMBE  
(Bya Frank Bazibulira e Masajja)

Abaziisi baatabuddwa bwe baagenze okukungubagira munnaabwe kyokka ne basar  
ng'alaamye azikwe ab'ekika ky'Emmamba wadde eyafudde yabadde amanyiddwa  
wa Mbogo.

Bino byabaddewo ku nkomerero ya wiiki ewedde mu Ndikuttamadda Zooni mu mi  
gw'e Masajja ku lw'e Busaabala, Musitafa Mukwaya abadde amanyiddwa  
ng'ow'Embogo bwe yafudde n'aleka abaana 47 ng'abakulu yabatumma amannya gi  
Mbogo ate abato ga Mmamba.

Kigambibwa nti kino yakikola oluvannyuma lwa nnyina okumuyita ng'anaatera oki  
n'amulaga kitaawe ow'Emmamba n'amutumma n'erinnya erya Galiwango.

Abataka mu kitundu kino omwabaddde Haji Abaasi Mubiru ne Mwami Abubakari Mala  
baategeezza nti omugenzi bwe yafuna kitaawe omulala teyabuulirako muntu mul  
okuggyako okukumma ekiraamo ky'okumuziika mu kika ky'Emmamba.

Olwafudde, Abembogo nga bali wamu n'abamu ku bamulekwa, bazze n'emmotokha  
okutwala omulambo e Butambala ku biggya, kyokka ne basanga nga n'Abemmam  
bagukimye okugutwala e Mityana, olwo enkaayana ne zatandika.

Owaamawulire mu kitundu kino, Mwami Mbaziira n'owa LDU mu Kitundu Joseph  
baayingidde mu nsonga ne basoma eddaame era ne bakkiriziganya bona omugen  
azikibwe gye yalaama.

Wabula abaana b'omugenzi be yasooka okuzaala baagaanyi okugenda mu kika  
ky'Emmamba okuziikayo kitaabwe ne basigala waka.

#### EKITUNDU IV: OKWOGERA

##### 1. OKWOGERA MU LUKU<sup>ηη</sup>AANA. EBIBAAMU:

- Omutwe
- Okumenya ku Bantu abakulu ab'ebitiibwa-abaliwo.
- Okulamusa
- Okwelianjula .
- Okwanjula ky'ogenda okwogerako.
- Okumenya ensonga z'ogenda okwogerako.
- Okuwumbawumba
- Okuwumbawumba,
- Okwebaza ababaddde bawuliriza.
- Okusiibula

Ekyokulabirako;

OKWOGI-RA KU DDEMBE LY'ABAANA MU LUKIJKO I.W'EKYALO KASAANA  
LC.I NGA 30 MUTUNDA, 2002

Omingenyi waffe omukulu, Ssentebé w'akakiiko akakola ku ddembe ly'abaana ku Ugomiholola, Ssentebé w'omuluka guno, Ssentebé w'ekyalo kino – Kasaana LC.I; Mvakirise ku nkiiko z'emiruka n'ebyalu mwenna abali wano, abaami n'abakyala mwenna buli omu kiti kye, mbalamusizza nnyo olunaku olwaleero.

Amannya agange mpitibwa Henry Kakooza, era nga nze nvunaazibwa ku nsonga z'abaana mu Muluka guno ogwa Kitengeesa LC.II. Era nga ndi wano olwaleero okubattuusaako okwogera kwange ku ngeri gye tulina okukwatamu eddembe ly'abaana era nga mu bye tugenda okwogerako mwe muli;

- Eddembe ly'abaana kye ki?
- Omwana aweebwa atya eddembe lye?
- Omwana amaliddwako eddembe lye akolebwa atya?

Bassebo ne bannyabo; etteeka erikwata ku ddembe ly'abaana linnyonnyola bulungi nti obuvunaazibwa bwonna obw'okulabirira omwana buli ku muzadde.

Omuzadde atandikira ddala obuvunaanyizibwa bwe eri omwana okuva ng'omwana yakazaalibwa, okubweggyako nga waliwo asabye n'akkirizibwa okulabirira omwana oyo. Omwana okuba ng'afiibwako omuzadde kyc kiyitibwa eddembe ly'omwana oyo.

Omwana wa ddembe okukulira mu mikono gy'abazadde be. Singa omwana aggyibwa ku bazadde be mu nkola entuusu egoberera amateeka, omwana oyo ateekwa okunoonyezebwa amaka mw'asobola okukulira ng'ayisibwa ddala ng'omwana omuzaale

Omwana ateekwa okusomesebwा n'okugunjulwa iuu nipisa ennungi. Era alina okuba mu maka ga bazadde be, abooluganda oba abantu abeeuwaddeyo okumulabirira.

Bassebo ne bannyabo; omwana ateekwa okukuumibwa obulungi nga tatilugunyizibwa vadde okulagibwa empisa endala eziyinza okulaga nti tafiibwako. Wano alina okujjanjabibwa ng'alwadde, okwambazibwa n'cbirala cbiringa ebyo

Omwana wa ddembe obutasosolwa n'akatono olw'okuba nti mulenzi oba miwala oba olw'empisa ze oba olw'embeera gye yakuliramu.

Omwana tateekwa kukozesebwa mirimu gikosa bulamu bwe k'abe nga anaasasulwa oba taasasulwe

Abooluganda abampuliriza; omuntu ng'afunye obukakafu nti waliwo omwana atuntuzibwa omuzadde oba omuntu yenna amulabirira, omuntu oyo asana aloopebwé mangu eri Owaakakiiko yenna aba amuli okumpi.

Nga mmaliriza, obulabe ku mwana kitegeeza ekizibu kyonna ekiyinza okukosa obulamu bwe oba okuziŋjamya okukula kwe.

## 2. OKULANYA

EBIBAAMU;

- Laga amannya go ggwe alanya
- Kakasa nti oli Muganda.
- Laga omuziro gwo, akabbiro n'omubala gw'ekika kyo.
- Laga amannya ga kitaawo ne gy'abeera
- Laga amannya ga jjajjaawo (Taata wa kitaawo) ne gy'abeera.
- Laga omukulu w'Olunyiriri lwo ne gy'atuula.
- Laga omukulu Owo omutuba ne gy'atuula.
- Laga omukulu Owessiga n'obutaka bwe.
- Laga Owaakasolya n'obutaka bwe.
- Okulaga amannya ga nnyoko n'omuziro gwe.
- Okumenya bajjajjaabo basatu ku ludda luno.

Ekyokulabirako:

### OKULANYA

Amannya mpitibwa Ssrubogo Musisi. Ndi musajja Muganda wawu era nga neddir<sup>1</sup> Mmamba. Akabbiro kaffe Muguya n'omubala gw'ekika kyaffe eky'Emmamba guvuga nti;

“Sirya Mmamba amazzi nnywa”

Kitange ye Katabalwa Kizito eyeebase ku mutala Kyevunze mu Ggomba nva mu luggya lwa Sserugunda Basaalidde e Bulwadda Ggomba. Nsibuka mu mu lunyirin<sup>2</sup> lya miiro e Zzinga. Ndi muzzukulu wa Gabunga, omukulu w'ekika ky'Emmamba

Omukadde anzaala ye Rebecca Nankabirwa. Yeddira Mbogo. Jjajjange Samusooni<sup>3</sup> Mukwaya atuula ku mutala Bulamu Mawokota. Nva Ssiga lya Ssekayiba e Ssenge. Ngi muzzukulu wa Kayiira Gaajuule, Omukulu w'Ekika ky'Embogo.

## 3. OKUWANDIIKA EBIGAMBO EBYOGERWA MU KUSUMIKA EBIBAAMU;

- Omutwe
- Okusaba abali ku mukolo okukuwuliriza
- Okweyanjula (Omusumisi ) n'okulaga obuzaale bwo (Okulanya)
- Okulanga omusika.
- Okwambaza omusika ekifundikwa.
- Okulaga /okulanya obuzaale bw'omufu.
- Okulaga obukulu bw'ekifundikwa n'olubugo olwambaziddwa omusika.
- Okukwasa omusika effumu n'okulaga obukulu bwalyo.
- Okukwasa omusika endeku y'omwenge n'okulaga obukulu bwayo.
- Okutuuza Lubuga n'okumukwasa akambe.

- Okuggulirirawo abasika ensika-ensawo y'obusika
- Okusabira abasika
- Okufundikira

Ikyokulabirako,

**EBIGAMBO BY'OMUSUMISI, OMUTAKA JUMA KASASA MU KWABYA  
OLUMBE LWA LUMUNYE ABAASI NGA 13 MUWAKANYA, 2003**

Bassebo ne bannyabo, mbasaba mumpulirize bulungi. Nze agenda okukola omukolo guno ogw'ekitiibwa ogw'okusumika abasika bano nga badda mu bigere bya muganda waffle Lumunye Abaasi, amannya nze Kasasa Juma, Neddira Mmamba.

Kitange ye Sserubogo Kiwanuka eyeebase e Bulwadda mu Ggomba. Ndi muzzukulu wa Kiberu Basajjannyago eyeebaše e Bukandula mu Ggomba. Nva mu Lunyiriri lwa Zzinda e Bugeye. Nsibuka mu Mutuba gwa Zzinda e Buyege; mu Ssiga lya miito e Zzinga

Ggwe Waggumbulizi Mukasa, nkusumika ekifundikwa kino nga nsinziira mu ntche ya jjajjane Miilo e Zzinga, Omukulu Owessiga; nga ggwe osikidde kitaawo Lumunye Abaasi, era ng'ekifundikwa kino kifegeezza nti ku ggwe ensonga ezibadde eza Lumunye, obuvunaanyizibwa bwe mu maka ge n'ebirala byonna ebibadde bikwatagana naye ku ggwe kwe byefundikidde, era nga ggwe kifundikwa ky'amaka ge. (OMUBALA)

Ggwe osikidde, kitaawe kitaawe amuzaala era jjajjalo, ye Nsubuga Bawonga eyeebase wano e Bukalagi Ggomba, oli muzzukulu wa Gayira e ηηando Butambala Ova mu Lunyiriri lwa Zzinda e Bugeye. Ova mu Mutuba gwa Zzinda wa Buyege. Osibuka mu Ssiga lya Miilo e Zzinga; era oli Muzzukulu wa Gabunga e Sragala Buwaya, Omukulu w'Ekika ky'Emmamba.


Akabbiro kaffe Muguya. ( OMUBALA )

Ekifundikwa kino ke karonero akalaga obuvunaanyizibwa bw'otutte olwa banno b'osikidde awamu ne Nnamwandu. Otekwa okufundikira ebizibu byo mu mukago olyoke ogende ng'osengejja mpolampola buli nsongha.

Otekwa okuba n'emmizi oba ekifundikwa ku mutima osobole okumira n'okuterekwa ebigambo bya banno. Obeeranga muzira eri ekika kyo n'eggwanga lyo.

Nkukwasa effumu lino nga sikulagira kugenda kifumita Bantu, wabula, effumu lino gw'osikidde ly'abadde akuumisa ennyumba n'amaka ge; haawc nkusaba olizokes bw'otyo.

Njagala weetegereze effumu eryo; ssongovu ate nga lirina obwogi erudda n'erudda. Otekwa okuba omusongovu era omwenkanya ku bul~~ludda~~ ng'osobola okwajjanga omulabe ate otekwa okumala ensonga z'abantu n'abaana boosikidde nga tolina kyekubiira; so nga ate tolemeranga mu mpaka wabula beeranga mwetoowaze.

Osaana oyimirire ku magulu go ng'oli munywevu ng'omuwunda so si kuba wa 

Olunyago luno wakati w'effsumu (ekiwabyo), n'omuwunda ky'ekitundu ekite<sup>vu</sup>  
ckigonda; anti ekiwabyo n'omuwunda byombi byuma. Bw'otyo obeeranga  
mwesimbu ng'olunyago, ate nga bwe kiba kyetaagisa okugonda mu nsong<sup>e</sup>mu  
okusobola okuzitereeza, naawe okolenga bw'otyo.

Nkukwasa endeku eno nga njagala omanye nti mu nju temuli kkubo. Buli aji:  
omwanurizanga era tomulesanga eky'okulya oba ekyokunywa. Togabula baar<sup>bokka</sup>  
b'osikidde wabula n'abagenyi; z'enseke ezo ebbiri. Olumu lwa bantu bo n'o<sup>ala</sup> lwa  
bagenyi n'abeemikwano.

Ggwe Nabiranda (Lubuga), osise ne balo ono. Muwabulenga nga bw'oba osc<sup>nde</sup>

Akambe kano k'owaasanga emmere n'ofumbira abaana n'abagenyi abajja mu<sup>haka</sup>  
gano.

Njagala mubeere bafunyi nga bajjajja mmwe abaabasooka. Y'ensawo eno gy<sup>r</sup>  
mbagguliddewo era gye mbawadde mutandikireko.

Mutyenga abafuzi abatwala; so temulyanga mu nsi yammwe olukwe.

Mbagaliza emikisa gya Katonda n'egya bajjajja mmwe; era Katonda abakuun  
Ssaabasajja Kabaka Awangaale!

#### 4. OBUBAKA OBW'OKUSOMERA KU NTAANA EBIBAAMU:

- Omutwe.
- Okusaba/Okubaguliza ku Bantu bakuwulirize
- Okulaga ekiti mw'ojjidde/ b'okiiriridde.
- Okulaga obubaka okukutumiddiddwa.
- Okwebaza ebiti by'abantu abatali bamu
  - Abajjajjabi
  - Abaasaasaanyizza amawulire g'okufa.
  - Abadduukiridde enduulu eyasoose.
  - Abasuzizza abaafiiiddwa.
  - Abaawadde obuyambi obw'enjawulo.
  - Abakoze ku ntambula.
  - Abasimi/ abazimbi b'entaana.
  - Abaasabisizza.
- Okwogera ku bulamu bw'omugenzi
  - Okuzaalibwa kwe.
  - Emyaka gye.
  - Obulwadde obumusse.
- Okwogera ku ngeri abantu gye baziiseemu
  - Entaana nzimbe oba si nzimbe
  - Essanduuke.
  - Embugo ne looti
  - Amabugo ga ssente
- Ebirango ebirala
  - Ebiddirira nga bavudde emagombe.
  - Ebyokulya n'okunywa

- Ebikwata ku lumbe
- Okufundikira
  - Weebaze abazuusi bonna
  - Baagalize okutambula obulungi nga badda eka.

I kyokulabirako:

**OBUBAKA BW'OKUSOMERA KU NTAANA MU KUZIKA OMUTIKA**  
**CHRISTOPHER KAKOOZA NGA 23 MUSEENENE, 2002 I: KIBANGA**  
**GGOMBA**

Basseebo ne bannyabo, nsaba musiriukirireko, nsohole okubatusaaka obubaka buno obuntumiddwa gye muli.

Mu linnya ly'omukulu Baziriyo Katongole, ono nga ye jjajja w'oluggya luno; ne mu linnya ly'omukyala Makisensiya Nanteza, ono nga ye Namwandu, ntumiddwa okubatusaaka obubaka bwabwe buno obw'okwebaza.

Okusookera ddala, beebara nnyo abasawo b'eddwaliro ly'e Ggombe Butamba, olw'obujjanjabi bwe bawadde omutaka ono okuva lwe yatuusibwa mu ddwaliro eryo okutuusa Omukama Iw'amukoowondde.

Kuno bazaarako abatuuze b'ekyalu kino eky'e Kibanga olw'obujjanjabi obutasalako bwe mubadde muleetera muganda wammwe ono; bannange mwebale nnyo mwebalire ddala.

Bazaarako abadduukiridde enduulu eyasoose: era n'abo abaayambye okusaasaanya amawulire ag'okufa mu bwangu obw'ekitalo.

Beebara nnyo abaabsuzizza mu budde bw'ekiro zimu: ng'abaasuze nga bakowoola I nsoddene mu nnyimba ezitali zimu.

Beebara buli omu cyababudaabuze mu ngeri ezitali zimu; ng'abaleese cby'okulya n'okunywa, ate n'okukola emirimu egitali gumu, nti, "Bannange temuijanga okwo"

Mu ngeri ey'enjawulo, beebara Omukulu Yokaana Nakibinge, ow'e Kigo olw'entambula cyaleese omubiri gwa munnaasse ono.

Bannaffe abaasimye entaana n'okuzimba ennyumba eno ey'olubeerera m mw'agenda okugalamizibwa, mwebaziddwa nnyo

Abakulu b'eddiini abafudde omukolo guno ogw'ekitiibwa, nmwe abakulu baati, mbeebazeemu ak'ensusso

Nga ntusee ku bulamu bw'omugenzi, yazaalibwa nga 17 Muzigo, 1931. Kino kigegeza nti w'afiridde abadde aweza emyaka nsanvu mu gumu (71). Obuwadde obumusse bubadde bwa Lubayamira na kuziyira.

Muziise bwe muti; Embugo enkalu kkumi (10), looti kkumi n'emu (11), n'essanduuke. Amabugo g'ensimbi ge muleese ge gakoze ku bintu byonna namnwé ngå bwe mulabye.

Abakulu bagambye nti bwe tuva wano, eka eriyo akookulya nti temugenda.  
Eby'olumbe baakubibategeza ng'entegeka ziwedde.  
Mbaagatiza okutambula obulungi nga mudda eka. Mwebale nnyo, mwebale.

## 5. OKWANJULA PULOGGULAAMU KU LEEDIYO

### EBIBAAMU:

- Omutwe
- Okulamuswa abawuliriza.
- Okwelianjula (Ggwe agenda okuweereza Pulogulaamu)
- Okwanjula Pulogulaamu gy'ogenda okuweereza.
- Okulaga omulamwa gwa Pulogulaamu eyo.
- Okwanjula by'ogenda okwogerako mu bufunze.
- Okuwummazaamu abawuliriza n'akayimba oba akalango k'amagazi.
- Okugaziya ensonga ze wamenye.
- Okwebaza ababaddde bakuwuliriza.
- Okulaga pulogulaamu y'emu lw'eddamu okubeera ku Leediyo.
- Okusiibula

Ekyokulabirako

### PULOGGULAAMU KATAYIRA KU MPEWO ZA LEEDIYO UGANDA

Abatuwuliriza, nate, mbalamusizza nnyo wano ku mpewo za Leediyo Uganda mukutu gwa "Blue Channel"

Ababuuzaako ndi Sylvia Namukwaya, era nga nze nteredde okubatuusaako Pulogulaamu yammwe enjanzi emanyiddwa nga "KATAYIRA"

KATAYIRA ye pulogulaamu ebatuusibwako ekitongole ky'amagazi ekya Lee Uganda; era nga muno tutunuulira amawulire nga bwe gazze gabaawo mu ggw olunaku lwaleero.

Mu Pulogulaamu eyaleero, tugenda kulaba ku;

- Bubbi bw'emmundu mu kitundu ky'e Ntinda.
- Abavubuka Abakatoliki abaabulidde e Canada.
- Omulabirizi Ssekadde ayogera ki ku Siriimu.
- Omukumi wa Pulezidenti eyakuliddwa.
- Nlamawulire g'ebiyemizannyo.

Nga bwe tulinda ku bakyali ewala, ka njira mbawummazaamu n'akayimba ka munnaffe David Kizito owa Super Singers ke yatumma OBUGUMBA

Ka tutandike n'amawulire gano agava e Ntinda. Omuntuze w'e Ntinda ababbi baamuyingiridde ne baggya ku mukumi we emmundu ne bagenda nayo. Abab

baabaddde n'emmundu baateeze mwami Steven Mukweri ku mulyango omunene oguyingingira mu maka ge. Era olwagguddewo ne bayingira ne bakwata omukuumi ne bamusiba emiguwa ne bamuggyako emmunda ne bakuuliita nayo. Akulira bambega mu poliisi mu Kampala Mwami Moses Sakira yagambye nti bakyanoonyereza ku bubbi buno obukyase ennyo mu bitundu by'e Ntinda n'emiriraano.

Abavubuka abakatoliki abasoba mu kikumi (100), abaagenda ku mikolo gy'okukuza olunaku Iwabwe olw'ensi yonna e Toronto ekya Canada, beebulankanyizza ku Basosolodooti abaabatutte ne basigalayo.

Abasinga baabuze ku Basosoddoti nga kye bajje batuuke ku kisaawe ky'ennyonyi e Toronto, era n'emikolo egyali gibatutte tabaagibaddeko.

Akola ku nsonga z'abavubuka bano mu ggwanga, Father Gerald Mukwaya yagambye nti 13 bokka be baakomyewo.

Omukuumi wa Pulezidenti Museveni, ayitibwa Stanley Mugega yateegedwa e Wandegeya abantu abatannategeerekka abaabadde ne basitoola ne bamutulugunya nga baagala okumunyaga.

Bino byabaddewo mu kiro ky'Olkunka mu kafo akayitibwa "Bamuda Square" Yo poliisi ekyayigga abazigu bano.

Omulabirizi w'e Namirembe, Kitaffe mu Katonda Balagadde Ssekkadde, asiimye kawefube wa Gavumenti ow'okulwanyisa obulwadde bwa Mukenenya.

Bino omulabirizi yaboyerdedde mu maka ge e Namirembe wabula n'agamba nti abantu tebasanye kweyibaala kubanga eddagala eriweweeza ku bulwadde buno likyali ku buscere ng'omuntu wa bulijjo tayinza kulisobola.

Mu by'emizannyo, Tiiimu y'akatale k'e Masaka yazzecyo etenda bukambwe bwa Bannakampala mu kuteeba ggoole bwe baasindimuddwa ggoole munaana ku bwereere ( 8 - 0 ), tiiimu y'akatale ka Kaleerwe olweggulo lw'olunaku Iwaleero.

Bannaffe abatuwuliriza, nate lwe tunaddamu okusisinkana mu ssaawa ze zimu olunaku lw'enky; mwebale kutuwuliriza.

Nsigadde ndi Sylvia Namukwaya, nga mbadde omutesiteesi era omwanjuzi wa pulogulaamu eno.  
Musule bulungi, era Mweraba.

## 6. OKWANJULA OMWOGEZI

### EBIBAAMU:

- Omutwe (OKWANJULA OMWOGEZI)
- Okulaga ebigendererwa by'olukuŋŋaana oba omukolo
- Okwanjula amannya n'ebitiibwa by'omwogezi.
- Laga okusiima kwo n'kwabawuliriza okuba n'omukulu gw'oyanjula.
- Yaniriza omwogezi n'okumuyita okujja okwogera.

Ekyokulabirako:

### OKWANJULA OMWOGEZI

Bassebo ne bannyabo, tukunjjaanye wano olwaleero, okusiibula abayizi baffe, ekya Simya ey'okuna abamalirizza emisomo gyabwe ku ddaala lino erva 0 (0).

Olmaku lwaleero tuli ba mukisa era tulina essaanyu lya nsusso okuba ::'omukulu oweekitubwa Ssentebi w'Eggombolola y'e Luweero nga Omugenyi waffe omukulu olmaku olwaleero.

Ssebo, tusanyuse nnyo okuba naawe olunaku olwaleero ng'Omugenyi waffe Omukulu era tusubira nti hyonna by'ogenda okwogerako bijja kuyamba okuzimba abayizi baffe nge beetegekera oluwanumula lwabwe olutandika olunaku lw'enkyo

Ssebo, tusaba ojje oyogerekko eri abagenyi baffe.

### 7. OKWEBAZA OMWOGEZI

EBIBAAMU: *Okulaga b'okikiridde*

- Okulaga b'okikiridde
- Weebaze omwogezi
- Okulaga nti ebigambo by'omwogezi biganyudde abawuliriza
- Okusaba abawuliriza okwebaza n'obugalo.

Ku lw'ahawuliriza n'abagenyi baffe bona okutwalira awamu, ka ntiale omukisa guno nkwebaza omwogezi waffe ku lw'ebyo byonna by'atutuusizzaako. Kansubire nti buli ali wano alina

ky a ..... era anaabyeyambisa oku.....

Ssebo, tweyanzizza nnyo, era tussiimye nnyo nnyini ddala. Nsaba buli ali wano twebalize wamu omwogezi waffe n'obugalo obw'omwanguka.

### ESSIMU EMPANDIIKE.

EBIBAAMU:

- Omute (ESSIMU EMPANDIIKE)
- Ennaku z'omwezi.
- Essaawa essimu kw'ekubiddwa.
- Amannya g'oyo gwé bakubidde essimu.
- Amannya g'akubye essimu ne gy'akubidde.
- Ennamba y'essimu y'akubye.
- Obubaka mu bujuvu.
- Amannya n'omukono gw'awandiise obubaka obwayitidde ku ssimu.

Ekyokulabirako:

### OBUBAKA OBWAFUNIDDWA KU SSIMU.

ENNAKU Z'OMWEZI: 14 Gatonnya, 2004.

ESSAAWA:- 2 : 34 Ez'okumakya

GWE BAKUBIDDE : Mw. Ssenabulya Patrick

AKUBYE: Maneja (UNITY HOTEL)

ESSIMU YE ; 045810672